The Funniest Thing About The Family Show
Posted by Meli - 2007/09/24 11:48

Every sunday on this Very Happy Family Show, I feel a smile growing on my face when I hear people calling in to send greetings to people they are sharing the coaches with at that very moment. Reminds me of the first day myself and my cousin sis bought our first mobile phones and we'd call each other."Did you page me?" "Okay let's go." And we'd both be sitting in the same sittingroom. His boyfriedn would frown and say, "Amaalo!!" What he didn't understand was that we had this mobiles, that we were so desperate to hear ringing.

==========

The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by JBugonzi - 2007/09/24 14:28

ABANTU ABAMU BAGULA ESSIMU JUST BECAUSE THE BAND WAGON EFFECT,WHAT THEY DO IS TO BEG PEOPLE TO CALL THEM JUST TO SHOW-OFF. NAYE NZE NINA MUKWANO GWANGE KU COMPUS MAKERERE,LUMU NGA AFUNNA PROGGIE,MWANNA BA GIRLS NGA BAYINGIRAWO MU KA ROOM KE MU NSIBILWA,YALI YAGULA TRAY Y'AMAGGI(EGGS)KAKATI OKUBASESSA,THIS BOY WAS SMART NGA YAYASSA BULUNGI EBISOSONKOLE NAALYAAMU EGI NAZAAWO BULUNGI EKISOONKO MU TRAY,KATI WHEN THESE GIRLS CAME IN,HE TOLD THEM TO FEEL AT HOME AND HE LEFT TO BUY SOME KATOGGO, THESE GIRLS LITE THE STOVE AND STARTED TO PICK EGGS ONE BY ONE,NON OF THEM HAD ANY CONTENT INSIDE, SO THEY DECIDED TO TURN BACK THE EGGS ON THE TRAY BUT WITH THE HOLES FACING ON TOP.... IMAGINE WHAT HAPPENNED WHED KABWEEJUMBILA CAME BACK???????

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by Kalibattanya - 2007/09/25 06:34

Nze ekinnyumira ye family emu okukubira endala, "......Abange jjo mwatuuse bulungi? Taxi mwagifunye bulungi okuva wali wetwabalese? Akagatto k'omwana akabadde kagudde mwakatuusizza? Mwasanze Mutagumbwa akomyeewo? Naffe twatuuse emmeere nga tennasiriira. Era twagiride newooma." Wayitawo akabanga katono neeno family endala nekuba, "Nga omutwe gwa maka, njagala okutumira family etutumidde a while ago. Yye, twatuuse bulungi. Taxi yaluddewo naye bambi bweyazze yatuleese bulungi. Obugatto omwana tetwabumuzzizzamu. Mutagumbwa yatusanzewo. Yabadde musanyufu alabika yabadde afunye yo ku bootie. Tusanyuse okuwulira nti emmeere mwagigiridde nga tesiridde. Tubiddemu next week,era tubyogereko ku sunday show?"

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by omumbejja - 2007/09/25 07:26

Nze ndowooza buli maka gaba neline kkumi kati omu ku bo mumaka bwayitamu nga tumira naye bano abalala, baba bakyakuba era bebayitamu kati ngabuli omu atumira munne mukisenge ekilala mpozzi neeri famile endala era egenda okuyitamu ,ngeeno famile esooka ettadde essimu. Nze ndowooza ngabwebakikoze for two years Mike yandibadde takyabagamba nti tumilako ssebo oba nyabo ,singa abakwaata kulutambi kati oli oluyogera erinnya lye ngajjayo olutambi kuba era aba kussimu byaaba agenda okwogera , ngeekyo kyakola nti nze gundi owejindi yii mwebale tuwereza mazima tulinga abali eka kati ye nabaddamu nti "ssinyo nnyabo"Naye owange Kalibattanya silowooza nti kino eriyo omulala eyali akilowozezza , anti kati otuuse otugobya mu paliament

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by Kalibattanya - 2007/09/25 07:59

Meli yeyabileese, oba anooya ki simanyi! Naye nyinza okugamba nti kati abantu tabakyayagala naku connecting-a direct. Kibasingira oku connecting-a nga bayita mu CU radio. Naye ate nendowoozamu, nti oba abaami nabakyala abatumiragana babeera bayombye mu nju, kyebava bongeza CU radio, nebabatumirira okwo, babagambe byebatya okubagamba face to face?

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by JeenaJulia - 2007/09/25 13:36

Kalibbs ne Omumbejja mwegendeleze kubanga eno twandigiyita ennuggu.Eli family show,abantu tubaleke bemale eggoga okujjako nti nze ntandise okulowoza nti essimu ya ba Mike eli "user-friendly" bweba tekumanyi tomaala gayitamu.Muna parliament omu yandagilila ka card kakozesa naye ebyange bikyaganye naye sigya kugwamu manyi kuba nkimanyi nti kiliba edda nange nempitamu nentumilako ku mukutu gwafe guno ogwa CU (mark u not Church of Uganda)but Connect Uganda.

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by Phad - 2007/09/25 14:13

Nyinza ntya okwerabira omukyala omu eyatumira ba SPARE TYRE bonna?

I laughed myself silly, that i almost rip my ribcage nga nfa enseko!

Kirabika ono omukyala kyali kimuduguda, oba kyali kituseewo nga ku Monday, naye era nga alinda Sunday, akube akasimu ku HAPPY FAMILY SUNDAY SHOW, alyoke atumire banne abo! The dedication was equally fitting!That was hillarious :laugh: :laugh: :laugh:

LOL

Ate ono owa 2 weeks ago, eyatumira BA EXPERT mu kuwalana, mbu ye yawalanako for 2 days nga tabisobola n'abipowa!

Oh dear...Connectuganda Family Sunday Show is wow!

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by Meli - 2007/09/25 19:24

Wamma JJ oyo Kaliba ne Mumbejja ba instigators, bebasavuwazza ensonga. Nze bwembeera ku Family show mba nninda kuwulira Luutu nga antumira, ate ejogera ye yonna yewaffe, nenseka, nebigambo byakozesa. Kale siyinza kuteeka bantu batumira nga Luutu bwatumira.

One of these days nja kumukyaliira, ndabe oba abaana be banfaanana. Era ngenda kubibategeeeza ku Sunday Family Show.

By the way, abamu bagiyita Family Sunday Show, abalala bagiyita Sunday Family Show. Naye ekituufu grammatically kiri Sunday Family Show, kubanga it's a Family show that takes place on sunday. That which describes the show best gets to be closest to it.

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by omumbejja - 2007/09/26 02:22

Jeanjulia sisobola kuba na nnugu ku happy sunday family show nga olwo lwempulira kuddoboozi lya Mike ne Qeenie Live ngojjeeko nti lwerwokka lwebatuwa akakunizo nze nnabadde newuunya mukisa gwaabo abayitamu nebatumila kubannaaabwe. Okimanyi nti siyinza kusubwa BINSOBEDDE YA MIKE

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by JeenaJulia - 2007/09/26 07:07

Owange Meli katukulinde lwonova ewa Luutu otubulile kyonoba ogyeyo,ebyembi oba ekilungi kusanga nga tomulinako kakwate ate nemutandikila awo okayungilila.Ffe nga awo tugyaguzza nti "Long live Connect Uganda".

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by Kalibattanya - 2007/09/26 09:55

Nze wamma JeenaJulia ennugu sijja kujegaana. Naye enkwatidde butuufu! Ggwe abaana nebatumira ebyebbeeyi byaabwe, nebyebbeeyi nebibaddamu. Ndowooza ekyange kyekiva tekibeera kya bbeeyi, ggwe ate ekitariyitako ku mpeewo!! "Honey emmeere gikendeze omuliro!" "Nkyaali mu bathroom, ggwe gijjeko." This sunday nja kugikuba ngifiireko!!!!!

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by Meli - 2007/09/26 13:42

JJ, this sunday nja kukuba essimu mpite Luutu26, tukole appointment wwa wanansanga antwale ndabe abaana. Tekisoboka okuba nga ssi wa musaayi, tewali bantu bayinza kufanagana bwebatyo!! Mpozzi nga omusaayi ngulina ku Mukyaala we, nga yeyamusiiga eddobozi nenjogera eyo. So in anyway, I'm going home!!!

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by Meli - 2007/09/26 13:43

Essimu nja kugikuba ku Sunday Family Show, so tune in!!!!!!!!

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by JeenaJulia - 2007/09/26 13:52

Meli tunamanyilawa,ossanga yegwe agatokosa ewa Luutu kati nga otunonyamyu byaffe,wabewo akugamba nti gwe Meli bwotove ku Luutu,gundi ajja kusanjagga.Kubanga omuwulila nga atumila tumila abantu botekakasa.Hahahaha Meli is busted.:laugh: :laugh: :laugh:

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by omumbejja - 2007/09/26 16:39

Jeanjulia oteekwa okuba ngoova kukyaalo kyekimu ne Xaza temuyinza kuba nga mwenna mulina ebintu ebifanagana ngo kusakiriza okwengeri yekitujju

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE
Posted by Meli - 2007/09/27 03:55

Bannange akabaate k'elinnya (Meli ssi Walukagga) kanzalira emiteeru gino. Luutu yagamba nti Kalibattanya ye nze. Ate

JJ kati agamba nti ndabika nze ntokosa ewa Luutu. Mbu okujjako nga evuude yo ajja okumpa kiboks lwanamatira nti eehhuuu, kale siyabadde yatokosa yo!! Yiiii Jeena!

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by Kalibattanya - 2007/09/28 17:13

Kakaati essabbiiti nnamba egenda kuwera nga Luutu26 tetumulabako wano mu paliamenti. Ntandise okulowooza nti ggwe Meli amugamba nti ojja kugenda okumulaba ggwe omwekwesesezza. Anti mbu e London abantu tebekweeka bannabwe beleka balaba. Wano nno akakiiko akekifundikwa, nga kalimu nze ne Phad, Mumbejja ne JeenaJulia, kasazewo nti Meli togenda ewa Luutu26, era tomukubira essimu. Bwonokuba ku Sunday Family show yogerayo bibyo birala byoyagala. Buuza Nakawooya kyeyeddira. Mpozzi kyalira bonna baganda bo eyo obabuuze oba be ba Luutu26. Oba ssi ekyo, wewungule nnyo e Uganda, onyumye nga nnyo ku ConnectUganda Forum, bwalibeera ku kasiki akamu oba olumbe ali kugamba, Eehe, Namu ggwe Meli? Nze Luutu26! Kyonna kyonosalawo, ffe totussa ku bunkenke neezo plan ezitugobera omukiise!!

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by luutu26 - 2007/09/29 17:00

Jeana julia nkwagalanyo kuba togwako bisesa, Kalibattanya mbadde siliwo naye nkomyewo kati mukwanno Meli mumuleke akubbe esimu ku sunday family show kyesimanyi oba anayitamu.

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by luutu26 - 2007/09/29 17:03

Kalibattanya mukwano tuleke abantu bemale egoga nga batumira kuba kati omuntu bwakutumira kumpewo gwe notamutumira liba banja.

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by Kalibattanya - 2007/09/30 09:32

Kale akakiiko akekifundikwa kasazewo, mu lutuula olwembagirawo, nti nga omukiise, Luutu26, bwakomyewo ate nekirabika nti ebigambo bya Meli ssi byebyamugoba nga bwekibadde kirowozebwa, kale Meli oba owulira, kuba essimu ku Sunday Family Show nga entegeka yo bweyali okusooka. Naye Luutu26 bwonobeera ogenda ku square gyonomunona, ogenda ne tape recorder. Next sunday memututegeeza olukungaana olwo bwelwagenda. Luno ssi lugambo, bigambo.

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by luutu26 - 2007/09/30 09:48

Kalibattanya maama onobamu nolugambo lwaki Meli omuwerekereza ebigambo muleke annonye omusayi gwe.

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by Kalibattanya - 2007/09/30 21:03

Munnange Luutu26 alabika Meli tayisemu ku ssimu!! Mpozzi nga yeddaakiika gyemmaze ko ku ssimu. Bwebiba bigaanye bugaanyi, nkakasa ajja kufuna engeri endala eyoku connecting-a mu. Naye nze kankwebaze olwo bubaka

bwowerezza ku lwange, ate nowerereza ddala abantu bembadde njagala okuwereza! Ekisiibo kigende bulungi, kaawa muleke tonywa. Guma kasita kinatera okuggwa.

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by luutu26 - 2007/10/01 09:36

MUKWANNO KALIBATTANYA EKISIBO KITA BULUNGI NYO MELI YAYISEMU TEWAMUWURIDDE NGA ATUTUMIRA

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIFE

Posted by JeenaJulia - 2007/12/05 08:36

Is when the machines jam and we put the blame on Queenie mbu atudde ku waya.But last Sunday broke the record.Many were gathered together as usual waiting to rock away,the chatroom was fully packed but then the ghost of enuggu passed thru the studios and the last thing we heard was Dj Mike assuring us of a comeback after some minutes,the minutes turned into an hour and alas bwetutyo Family Sunday Show netusala.Nali nesunze okukyalako ewa mulilanwa ndabe kuka dvd kuba yali amaze okuta akakunizo,oba yali akayise, nze nawe.

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIF

Posted by omumbejja - 2007/12/05 09:02

JJ totandika kuleeta wano bills ezatuuka nga weeekend erumye nga baggaddewo nze kulwange senjoyinga ngako nga kwoolwo wewaawo nasubwa okuwulira kuddoboozi lya Mike ngaliko gweyegayirira so politely aleme kwewuliriza ku computer . Nobusaasi bwa Queenei, mukusooka nnali ndowooza nti mpozzi ba jjajja bebakyaddeko mu connect yaffe

==========

Re:The Funniest Thing About The Family Show/IN LIF

Posted by JeenaJulia - 2007/12/05 09:10

Omumbejja bali tebali bajjajja,guli gwali muzimu ate nga gwanuggu.Naye nno nawe kwolo sakutegela bulungi,kuba nze ku overhead projector yange nali nkulaba nga bunno bu kajak kyokka ate gyo wansobedde bwewandaze nti wali muwanika.Oba which is which manya who is who?

==========